

CBM Uganda
ABOLUGANDA MU KRISTO
EBIMU KUBIKULU MU MAZIMA GA BAIBULI
SETAANI
YE ANI OBA KYEKI?

Bwonomala okusoma akatabo kano ojja kuba ng'omazze okufuna okudibwamu eri ebibuzo bino wansi:

1. Eriyo ekiramu ekyamanyi ekiyitiibwa setaani?
2. Lwaki Baibuli eyogera ku setaani?
3. Waliwo ekiramu ekiyitibwa setaani ekitutwala mu kwonona?
4. Osobola otya okulokolebwa mu bibi no kuffa?

1. ERIYO EKIRAMU EKYAMANYI EKİYITIIBWA SETAANI?

Ekintu kimu mukama kyategezza buterevu nti: "Nze Katonda so tewali mulala, nze Katonda so tewali anfaanana" (Isaaya 46:9). Nedda tewali kintu kiramu ekyamanyi ekigana enkola ya Katonda. Setaani ono amanyibwa enyo mundwooza yabantu taliyo. Bwe tuba nga twandyetaze okumanya ensibokku y'ebyonono, tulina okunonya walala.

Baibuli etulaga no bumativu wa awava ebyo. Omuntu akemeebwa okuva ye munda ye. Wulira kiki Yesu omwaana wa Katonda, kyagamba: Naye ebyo ebifuluma mu kamwa biva mu mutima; nebyo bye byonoono omuntu; kubanga mumutima mwe muva ebirowoozo ebibi, obussi, obwenzi, obukaba, obubbi, okuwaayiriza okuvuma" (Matayo 15:18,19).

Yesu akakasa ebyo Katonda bye yabulira Nuwa edda nti: "kubanga okulowooza kw'omumutima gw'omuntu kubi okuva mu butobwe" (Lub. 8:21). Ate Yeremiya 17:9 agamba nti: Omutima mulimba okusinga ebintu byonna, era gulwadde endwadde etewonyezeka: ani ayinza okugumanya?"

Yakobo naye akirizzaganya na binno. Amaliriizza nga agamba nti "Naye buli muntu akameebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. Okwegomba okwo ne kulyoka kuba olubuto ne kuzaala okwonoona, n'okwonoona okwo, bwe kumala okukula ne kuzaala okufa" (Yakobo 1:14,15).

Wetegereze nti bino byona tewali na katono we byogerera ku kiramu enyo ekyamanyi ekiyitibwa setaani abantu nga edowooza yabwe bweri! Tekyetaagiisa kutunuliira nawala okkujjako mufte benyini okulaba wa awava okwonoona.

2. Lwaki Baibuli eyogera ku setaani?

Kitufu Baibuli eyogera kusetaani nga ekintu ekiramu ddala. Naye kyetuli okujukira kiri nti Baibuli yo ejjude nyo olulimi lwetwandiyise nga "olw'abifananyi". Era eyita ebintu ebilala bingi nga ebyobuntu so nga nate si Bantu.

Okugeza mulugero lwa Kayini ne abiri, omusaayi guyitiibwa nga ekyobuntu. Ng'ayogera ne Kayini Katonda agamba nti: "Okoze ki? Eddoboosi ly'omusaayi gwa muganda wo linkaabirira mu nsi" (Olob. 4 : 10). Mukitabo kya matayo essula 6 akanyiriri 24 Yesu ayogera ku ssente nga omwaami.

Mungeri yemu obubi ne kibi ebiseera ebirala biyitiibwa n'ga ebyobuntu. Wabula nga kino kitulaga nga ekibi bwe kiri ekyamanyi enyo era nga ebibwebwiri ebyomutewana enyo eri obulokozi bwaffe.

Kino tuyiinza okukikakasa nga tugerenganyizza ebitundu bibiri mu Baibuli. Tunuliira olulimi olukozesebwa mu Bebulaniya 2 : 14 :.. olwokufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi g'okuffa ye setaani". Wano wetwebuliza nti: setaani y'ani? Era ani alina amanyi go kuffa? Abarumi 6 : 23 atugamba bwati "Empera ye kibi kufa". Ekibi kintu kyamanyi kireeta okufa, obulamu bwo bulina olutalo n'ekibi bulijjo.

Ekibi yemulabewo so si kintu ekilala nti ekyamanyi nyo kye bayita setaani.

Okusingiira ddala mundagano ekadde ekigambo "setaani" mirundi mingi kikozezebwa kumanyi ago agagaana enkola ya Katonda: "setaani" kitegeza "omulabe", era emirundi mingi kirekebwa tekikusibwa. Mundagaano empya ekigambo kino muloyonani kirimu emirundi 38 Amakulu gakyo mukusooka ddala kitegezza "oyo Awaayo banne. Era mubutuffu emirundi essatu kikusibwa nti "Abawaayiiriza". Kubanga mubitundu ebyo abakyuusa ba Baibuli bategera nti tekyendi tegerekese bulungi singa bakozesa ekigambo "setaani". Mu Bbaluwa ya Paulo eri Tito, Paulo awa abakazzi abakulu okuba neddini mu ngeri gyebali batulaamu, "siba waayiriza". Era kye kimu ne kitabo kya Timoseewo ekisoka esula 3 a kanyiriri ke 11.

Kyandibadde kya busiru abakyusa ba Baibuli okukozesa ekigambo kino "setaani" mu bitundu ebyo byombi. Abakazi abakadde n'abukazi abakristayo si be ba setaani. Eno yandibade nsobi nene nyo ddala.

Yesu agamba mu Yokana 6 : 70: si nze nnabalonda mmwe ekumi na babiri naye omuku mmwe ye setaani: Naye Yuda yali muntu so si "setaani" Singa abakyusa ba Baibuli wano bakozesa ekigambu muwayiriza amakulu ga nditegerekese mangu nyo. Era eddeko Yuda ono yalya mu Yesu olukwe nga amunywegera Yali mukwano gwa bulimba nyo ddala, naye teyali ekyo bangi kyebamanyi nga setaani owa manyi enyo.

Twetaaga okutunulira bulungi n'obwengendereza muby'awandiikibwa okusobola okutegera ani oba kiki ekiyitiibwa setaani. Lowooza ku kitabo ky'okubikulirwa 2 : 10, ng'abakiriiza abe sumuna bwe bagambibwa: Omulyolyomi (setaani) ali kumpi okubasuula mu kommera" Gwe oyiinza okulowooza wano nti setaani owamanyi enyo ye yali, asuula abakiriiza mu kommere?

Tekiyinzika, kubanga tumanyi nti Abarumi be bakola kino. Kino kimu ekyokulabirako ng'obubi bwonona enkola ya Katonda. Era tulabanga nate ekigambo kino "setaani" kikozezebwa okutegeza ababi. Ekibi kiri munkola kubanga abantu bwebalekebwa kubwaabwe tebagoberera makubo ga Katonda.

Ekigambo kino setaani ne "daimoni" tebitegeza bakemi mumakulu gabyo agasokeera ddala.

Teri kintu nga ekyo bangi kyebayiita nga omukemi owa manyi nyo.

3. Olowooza waliwo ekiyitiibwa setaani ekikukema no Yonoona?

Okusenziira kwebyo byetulowozezako, ekyokudamu kyirinokuba nti "nneda". Tulina okutwala okunenyezebwa ffe ffeka olw'ebibi byaffe.

Tumazze okulaba nti endowooza zaffe embi n'ebikolwa biva mumu ttima (Matayo 15 : 18, 19) Paulo agamba bwati "boona baayonoona" (Abarumi 3 : 23). Olowooza mukama Yandintunyenyeza ffe ate nga ensobi eri ye setaani awamanyi? Mubutuffu nedda.

Ffe tufa olwokubera okwoonoona kwa Adamu. Naye kinomu tugwanira okusalirwa kw'okuffa Ffena twafuna "empera y'o kuffa". Eri kinomu mu ffe. Empera eyo kwe kuffa (Abarumi 6 : 23).

Okujjako nga ffeka na ffeka tukiriiza nti tulina okunenyezebwa olwebibi byeffe, olwo Katonda nalyoka akolaganira wamu naffe.

4. OYINZA OTYA OKULOKOLEBWA MU KIBI NO KUFFA?

Waliwo ekintu kimu kyoka. Tosobola kwelokola weka, Baibuli etegeza kino mulwattu. Wabula oyiinza okulokolebwa, Yebaziibwe mukama olwekisa kye. Yatuwa engeri gyetuyinzamu okuwona ekibi no kuffa. Nga ekiwebwayo ky'omwaana we, Yesu Kristo, Yatugulirawo enkubo ly'obulamu obutagwaawo Akuyita nawe wetabe mukuwangula kw'omwaanawe eri ekibi.

Yesu Yabera n'obolamu obutali bwononyi nalyoka "atufirira ffe" (1 Abessolonika 5 : 10) mu okukiriiza kwo eri Yesu ng'omulokozi wo, Katonda ayagala okukusonyiwa ebibi byo ggwe. Bwo batiziibwa mulinya Iya Yesu (Makko 16 : 16) ate bw'okwata ebiragiro bye (Yokaana 15 : 8-13). Oyinza okulokolebwa mu bubu n'okuffa okuzukiira mu baffu, n'okubawo emirembe ne mirembe liyiinza okuba essubilyo ggwe.

Yesu yajja okumalawo ekibi no kuffa. "Kubanga ye, y'alilokola abantu be mu bibi bya bwe" (Matayo 1 : 21). "n'omulabe alisembayo okuzikiiriziibwa kwe kuffa" (1 Abakolinso 15 : 26). Katonda ayagala okutwala obuvunanyiziibwa bwo si eri ebibi byo byoka naye neri obulamu bwo ggwe. Tewetaaga kutya ekyo ekitaberangawo kyoyita setaani owamanyi. Naye wuliriza ebighambo bino ebyamagezi "Tyanga Katonda era kwatanga ebiragiro bye, kubanga ekyo bye byonna ebigwanira omuntu" (Omubuulizi 12 : 13).

Bwoberanga bwotyo kati, omukiisa omujuvu ogw'obulamu obwoluberera kungsi guliba gugwo nga Yesu akomyewo eyerusalemi okuleeta obwa Kabaka bwa Katonda munsu "Kubanga eyo Mukama gye yalangirira omukisa bwe bulamu obw'emirembe n'emirembe" (Zabuli 133 : 3).